# 79 Ggwe ekiwumulo

**( DIADEMATA. S.M.D. )**






4. Amaanyi g’omwoyo
Gaggudd’ew’eggulu
Gantusizz’awaly’ekisa
Awatali nnaku
Wewali emmere,
Yesu yagaanibwa
Lye ggwanika lya Katonda
Ansanyus’omwoyo.

5. Erinny’ery’ekyama
Lye lituw’essanyu,
Kye kyo kuddamu ekyaffe
Ekiwandiikibwa
Mu kwakayakana
Mulokozi wange
Ntambulira mu musana
Mu ngoye enjeru.

6. Mu kkubo lye eryo,
Eryo lye yateesa
Omwo mwe nnaatambulira
Musana gwa bonna
Nay’ani ayinza~
Okugugunnyonyola
Katonda gyeyeeragira
Awaly’ekitiibwa ?

7. Waliyo kusinza
Wewali amaanyi
Waly’obulamu n’essanyu
Ebitagambika
Kitaffe ne Yesu
Wewali yekaalu
Eggye ly’onn’eryo mu ggulu
Nga litunuulira.

Alternate Tunes : Nearer Home, 161 ; Terra Beata, 64.
Alternate Tune suited to the word edition : Boylston, 31.